Jimmy Katumba With The Ebonies - Twalina Omukwano
Posted by angiebee - 2007/09/13 00:03

:ohmy:

Is it better to sing it after healing from a broken relationship or when it is in a mess?

Love it and i know many of you do!

==========

Re:Jimmy Katumba With The Ebonies - Twalina Omukwano
Posted by Kalibattanya - 2007/09/13 00:30

Ate ne munaffe Katumba yatutabula, nti ate omukwano gwafa, nakwagala era nakwesiga, ate yoomu mbu olidda ddi nempona ennaku. Kwekugamba wano ekigendererwa kuzukiiza mukwano gwaafa? Obutessa mu bizibu, luno nze nduyimba sirina kinkwatako. Nga sirina gwenjagala, sirina gwendese, sirina andese, sirina kyonna, okujjako eddobozi nakayimba kano.

==========

Re:Jimmy Katumba With The Ebonies - Twalina Omukwano
Posted by Phad - 2007/09/13 00:35

Olowooza nno mukwano eyo teba LOCK?

Abamu bagyeyitira kulemera mu reverse gear.

Kale naye bwatyo musajja wattu yali mu mbera ya Lock nga yejjukanya,oba oli awo nga obugambo munamasula ka trigger ku busimu bwa memory ya munne,n'afunamu ekiramu.

==========

Re:Jimmy Katumba With The Ebonies - Twalina Omukwano
Posted by omumbejja - 2007/09/13 02:06

Nze wano ndaba ngaate aba afuuse zzizinga yenyini gweyayimbako, kuba kitebereze nga musazeewo nti tetukya kwatagana nemukkiliziganya nemweyongerayo, kati oba oli eyo gyooli ngamunno assako kubuyimba muli awo mwewaamu kamu kamu mu relaxinze ngakayimba katandika .

omwana wakitange ekyakutwaala kyaali ki.....bwewandaga omukwaano nakwagala nyo maama oli dda ddi nempona ennaku.....onodda ddi nempona ennaku..... awo sikwekutandika okkolola nga koonywa kakutuga ,naddala bwekakusanga nga gwooli naye tamanyi nti gwewayawukana naye yatandise okuwomerela mungeri eremesa obulemesa

==========

Re:Jimmy Katumba With The Ebonies - Twalina Omukwano
Posted by Kalibattanya - 2007/09/13 11:47

Oluyimba luno lunzijukiza jajja wange omusajja eyayimbanga nti, "Olijja ddi netulya enkoko, olijja ddi nenkola embaga."

==========